[1]

| **Omubiri gwa Kristo** | **The Body of Christ** |
|---|---|
| **Mu busatu obwa Katonda, buli omu ku busatu akwanaganyizibwa n'omubiri gwa Kristo era buli mukkiriza kitundu ku mubiri gwa Kristo.**<br>Katonda Kitaffe yafuula Kristo omutwe gw'omubiri.<br>Abefeeso 1:22-23.Nateeka byonna wansi w'ebigere bye, namuteekawo okuba omutwe ku byonna eri ekkanisa gwe mubiri gwe, okutuukirira ku oyo atuukiriza byonna mu byonna.<br>Abalosaayi 1:18, 19, Abefeeso 5:23, 24. | **Each member of the Trinity is related to the Body of Christ, and every Christian is a part of the Body of Christ.**<br>God the Father placed Christ as the Head of the Body.<br>Eph. 1:22,23, "And hath put all things under his feet, and gave him tvo be the head over all things to the church, which is his body, the fullness of him that fills all in all."<br>Col. 1:18,19; Eph. 5:23,24 |
| **Omwoyo omutukuvu yakola era yakuuma omubiri gwa Kristo.**<br>1 Abakolinso 12:12-14. Kuba omubiri nga bwe guli ogumu neguba n'ebitundu ebingi, n'ebitundu byonna eby'omubiri newankubadde nga bingi, gwe mubiri gumu era ne Kristo bwatyo, kubanga mu mwoyo omu ffenna twabatizibwa okuyingira mu mubiri gumu oba bayudaaya oba bayonaani oba baddu oba ba ddembe ffenna ne tunywesebwa ku mwoyo omu. Kubanga omubiri si kitundu kimu naye bingi.<br>1 Abakolinso 6:15, 6:19, 20 | **The Holy Spirit forms the Body of Christ and sustains the Body.**<br>1 Cor. 12:12-14, "For as the body in one, and has many members, and all the members of that one body, being many, are one body, so also is Christ. For by one Spirit were we all baptized into one body, whether we be Jews or Greeks, whether we be bond or free, and have been all made to drink into one Spirit. For the body is not one member, but many."<br>1 Cor. 6:15; 6:19,20. |
| **Kristo ye mulokozi w'omubiri**<br>Abefeeso 5:23.Kubanga omusajja gwe mutwe gwa mukazi we era nga Kristo bwali omutwe gw'ekkanisa bwali omulokozi ow'omubiri ye yennyini.<br>Abefeeso 5:25-30 | **Christ is the Savior of the Body.**<br>Eph. 5:23, "For the husband is the head of the wife, even as Christ is the head of the church; and he is the savior of the body."<br>Eph. 5:25,30. |
| **Kristo yatukuza omubiri**<br>Abebulaniya 2:11.Kubanga oyo atukuza era nabo abatukuzibwa bomu bonna kyava alemwa okukwatibwa ensonyi okubayitanga ab'oluganda.).<br>(Abebulaniya 13:12 Era ne Yesu kyeyava abonabonera ebweru wa wankaaki alyoke atukuze abantu n'omusaayi gwe ye. | **Christ is the Sanctifier of the Body.**<br>Heb. 2:11, "For both he that sanctifies and they who are sanctified are all of one, for which cause he is not ashamed to call them brethren."<br>Heb. 13:12, "Wherefore Jesus also, that he might sanctify the people with his own blood, suffered outside the gate." |
| **Omubiri gwa Kristo gwanyigwa wamu ne Mukama waffe Yesu Kristo mu kuwangula n'okufufuggaza Sitaani wamu n'amaanyi ge amabi.**<br>Abefeeso 1:22, 23. Nateeka byonna wansi w'ebigere bye, namuteekawo okuba omutwe ku byonna eri ekkanisa gwe mubiri gwe okutuukirira ku oyo atuukiriza byonna mu byonna. | **The Body of Christ participates with the Lord Jesus Christ in tactical and strategic victory over Satan and his forces of evil.**<br>Eph. 1:22,23, "And has put all things under his feet, and gave him to be the head over all things to the church, which is his body, the fullness of him that fills all in all." |
| **Buli akkiriza abeera kitundu ku mubiri gwa Kristo. Omubiri gwa Kristo gugattiramu abakkiriza abayudaaya n'abakkiriza bannamawanga.**<br>Abefeeso 2:16.Era alyoke atabaganye bombi eri Katonda | **Every Christian is a member of the Body of Christ. The Body includes Gentile believers and Jewish believers.**<br>Ephesians 2:16, "And that he might reconcile both unto God in one body by the cross, having slain the enmity |

[1] ***Grace Notes***, 1705 Aggie Lane, Austin, Texas 78757 USA Email: wdoud@gracenotes.info

| **Omubiri gwa Kristo** | **The Body of Christ** |
|---|---|
| mu mubiri gumu olw'omusaalaba bwe yattira obulabe ku gwo. | thereby." |
| **Omubiri gwa Kristo gulina ebirabo eby'omwoyo ebyenjawulo.**<br>Abaruumi 12:4, 5. "Kubanga bwetulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu naye ebitundu byonna tebirina mulimu gumu. Bwe kityo ffe abangi tuli omubiri gumu mu Kristo na buli muntu tuli ebitundu bya bannaffe fekka na ffekka."<br>1 Abakolinso 12:7, 8. "Naye buli muntu aweebwa okulagibwa kw'omwoyo amuweesa ekigambo ky'amagezi n'omulala aweebwa ekigambo ky'okutegeeranga ku bwomwoyo oyo. | **The Body of Christ is the recipient of many spiritual gifts.**<br>Rom. 12:4,5, "For as we have many members in one body, and all members have not the same office, so we, being many, are one body in Christ, and every one members one of another."<br>1 Cor. 12:7,8, "But the manifestation of the Spirit is given to every man to profit. For to one is given, by the Spirit, the word of wisdom, to another, the word of knowledge, by the same Spirit..." |
| **Okutegeeza amazima ga Baibuli buvunaanyizibwa bwa mubiri gwa Kristo n'abo abaweebwa ekirabo ky'okubuulira.**<br>Abefeeso 4:11 n'ennyiriri eziddako zinnyonnyola engeri y'okuzimba ekkanisa okuyita mu kubuulira amazima. Kino kinnyonnyolwa mu Befeeso 4.<br>Ekigendererwa ky'omubiri mu bulamu kwe kubeera mu bulamu obw'ekisa.<br>Abefeeso 4:15-16."Naye bwetwogeranga amazima mu kwagalana tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe Kristo. Mu oyo omubiri gwona mwe gugattibwa obulungi ne gunywezebwa awamu buli nnyingo nga ereeta ebyayo ng'okukola mu kigera okwa buli kitundu bwe kuli, omubiri gweyongera okukula olw'okwezimba mu kwagalana. | **The communication of Bible truth is the responsibility of the Body of Christ and of those who are given communication gifts.**<br>Eph. 4:11 and the following verses describe the process of church building through communication of doctrine. This is discussed in the Ephesians course for chapter 4.<br>The objective of the Body in this life is to live the Grace life.<br>Eph. 4:15,16, "But, speaking the truth in love, may grow up into him in all things, who is the head, even Christ; from whom the whole body, fitly joined together and compacted by that which every joint supplies, according tot he effectual working in the measure of every part, makes increase of the body unto the edifying of itself in love." |